

AWO YESU N'AJJA N'AYITA



Omutukuvu Yokaana, essuula ey'e 11, okutandikira ku lunyiriri olw'e 18, we njagala okusoma.

Naye Bessaniya yali kumpi ne Yerusaalemi nga sutadyo kkumi na ttaano;

Abayudaaya bangi baali bazze eri Maliza ne Malyamu okubakubagiza olwa mwan'yinaabwe.

Awo Maliza bwe yawulira nga Yesu ajja, n'agenda okumusisinkana: naye Malyamu n'asigala mu nju.

Awo Maliza n'agamba Yesu nti, Mukama wange, singa wali wano, mwannyinaze teyandifudde.

Era kaakano mmanyi nga byonna by'onoosaba... Katonda, Katonda anaabikuwa.

Yesu n'amugamba nti, Mwannyoko ajja kuzuukira.

Maliza n'amugamba nti Mmanyi nti alizuukira ku kuzuukira kw'olunaku olw'enkomerero.

Yesu n'amugamba nti, Nze kuzuukira, n'o... n'obulamu: akkiriza nze, newankubadde nga afudde, aliba mulamu:

na buli muntu mulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Okikkiriza ekyo?

N'amugamba nti Weewaawo, Mukama wange: nze nzikiriza nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda, ajja mu nsi. (Kati ekyo kyekkaanye!)

Awo bwe yamala okwogera bw'atyo, n'agenda, n'ayita Malyamu kyama, ng'agamba nti Omuyigiriza azze, akuyita.

² Tusabe. Kitaffe Ow'omuggulu, kakasa Ebigambo ebyo eri emitima gyaffe, akawungeezi kano, nga bwe tukulindiridde kaakano. Ekigambo Kyo, omuweereza Wo, n'ekitundu ekisomeddwa, byonna tubiwaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Muyinza okutuula.

³ Ekigendererwa ky'okubeera kwange wano kwe kugezaako okuyamba abantu ba Katonda. Okusingira ddala si mu kusabira, n'okuteeka emikono ku balwadde, wabula basobole okutegeera Yesu Kristo ali mu makkati gaffe, oyo Omwana wa Katonda ali mu makkati gaffe. Akawungeezi kano twogera ku ky'okuyigako kino nti: *Awo Yesu n'AJJA n'AYITA.*

⁴ Kati akaseera kano ke twogerako, kaali kaseera ka nnaku nnyo. Bwe muba mwali musomye ku ebyo ebikwata ku bulamu

bwa Mukama waffe, tukiraba nti yali Mukwano nnyo gwa muvubuka ono, Lazaalo. Yali...Oluvannyuma lw'okuvaawo kwa Yusufu, manya, yali yavaayo n'Ajja abeere wamu ne Maliza, Malyamu, ne Lazaalo. Era baali ba mukwano nnyo ddala. Baalina...Yalinga omusumba gye bali, mu—Mukwano gwabwe ddala. Era baamukolera n'eby'okwambala, ekkooti ey'okwambala, nzikiriza, bagamba, mbu era yali yatungibwa teriiko mukugiro. Era baali bamukoledde ebintu bingi ddala, kubanga baali bamukkiririzaamu. Kyali nti baali—baali bakkirizza era nga ekyo bakirabye. Baali bavudde mu kkanisa, ne mu birala byonna, okusobola okumugoberera. Era ekyo kyali kintu kya nsonga nnyo mu biro ebyo, nga n'ekibonerezo kyaakyo kyali kisoboka okuba okufa, o—olw'okugivaamu.

⁵ Naye, Yesu, Omuntu ono eyagendanga nga bo bwe baakijweteka, mbu nga ayabuluzaamu amakanisa gaabwe, era nga ayogera bubi ku kabona waabwe, n'e—n'ebirala ebiringa ebyo, yali—yali abakoze obubi obutagambika, bwe batyo bwe baalowooza. Era—era nga n'okumwatula obwatuzi nga o—ogobebwa okuva mu makunjaaniri. Ate bwe wagobebwanga mu kkanisa, ba—baakutwalanga atakyalina mukisa gwo—gwonna gwa kununulibwa. Bwe wabanga togwa mu emu ku nzikiriza zaabwe, okugeza nga toli Mufalisaayo, Musaddukaayo, oba ekintu bwe kityo, tewaabangawo bununuzi gy'oli bwe wasangibwanga wabweru w'emu kw'ezo. Era ssinga baalina obuyinza, oba ebisumuluzo, nga basobola n'okukugoba ssinga baabanga baagadde okukikola. Eyo ye yali enjogera yaabwe. Ky'ova olaba Yesu yagamba nti, "Mmwe, olw'obulombolombo bwammwe, mufudde Ekigambo kya Katonda ekitalina makulu." Okiraba?

⁶ Ne kaakano kiddiddwamu nate, kubanga ffenna tukimanyi nti ebyafaayo byeddinana buli luvannyuma lwa kiseera. Era kya—kya nnaku okwogera, naye kyalagulwa okuddamu okubaawo, era kizzeemu okukolebwa.

Tukiraba nti Yesu abantu baali tebaamulowoozaako birungi.

⁷ Emirundi mingi, abantu baagala nnyo okusalira omusango omuntu oyo atakkiriziganya nabo. Ekyo tetusaanidde kukikola. Tusobola obutakkiriziganya, naye ate nga tuli ba mukwano. Bwe mba ssisobola butakkiriziganya na muntu, ate mu kaseera ke kamu ne nsigala nga mmwagala era nga mmusabira, nga ssikkiriziganya naye...okusenziira ku Byawandiikibwa, n'okutangaazibwa okusingako, waakiri kisingako ne ssimugamba kintu kyonna. Nnandyagadde njawukane naye mu ndowooza, naye mu bulungi, kubanga mmwagala, era mu mazima ssi—ssimwagaliza kubula. Era naye atekwa okukola ekintu kye kimu gyendi; ffembi tetwagala kubula. Ate tulina okwesigamya endowooza zaffe kw'ekyo Ekigambo kye kyogera. Leka Ekigambo kye kiba kiba ekituufu. Nga ssi biyiye byaffe oba ebirowoozo byaffe, wabula ekyo

ky'Agamba; nga tewali akiwa nzivuunula yiye ku bubwe, wabula ekyo kyokka Ekigambo kye kyogera.

⁸ Luli ekiro, nnakola ekintu era kyalabika nga kyenkana ekivve, nzikiriza twali mu ky'enkya ky'abaweereza ku makya ga luli. Nnateeka Yesu mu kaguli awozesebwe. Nnagamba nti, "Nga bwe baakola ku luli, bwe bakola ne leero." Oba oli awo kirungi nkiddemu mu kaseera katono, bwe tuba n'obudde. Kati, nnagamba nti, leero tukiraba nti. . .

⁹ Mu kuddaabulula kwa Luther, ye, mu kiseera ekyo, yagamba nti omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza. "Omuntu oyo akkiriza, oyo, eyafuna Ekyo." Naye tukiraba nti bangi ku bo abaagambanganga nti bakkiriza, naye nga Ekyo tebakirina.

¹⁰ Mu biro bya—bya John Wesley, bwe kiba nti baafuna omukisa ogw'okubiri, baaguyita, okutukuzibwa, okutukuzibwa mu bujjuvu, ne basanyuka era ne baleekaana. "Buli eyaleekaananga, yali Ekyo akirina." Naye baakizuula nti baali Ekyo tebakirina. Bangi abaaleekaana, naye nga Ekyo tebakirina.

¹¹ Mu biro by'Abapentekoote, baagamba nti, "Kati okukomezebwawo kw'ebirabo kuzze, okubatizibwa kw'Omwoyo. Oyo yenna ayogera mu nnimi, nga Ekyo akirina." Tugenda okukizuula nga bangi abaayogera mu nnimi, naye nga Ekyo tebakirina.

¹² Kati leero bagamba nti, "Kale, ekibala ky'Omwoyo, kiba ky'Ekyo." O, nedda, ssi kibala kya Mwoyo. Ab'enzikiriza ya Ssayansi w'Ekikristayo ekyo bakirina, nga kizibu n'o. . . Okwagala kibala kya Mwoyo. Naye, era balina okwagala kungi nnyo n'okusinga omuntu omulala yenna, naye bagaana Obwakatonda bwa Yesu Kristo; bamuyita nnabbi bunnabbi, muntu buntu owa bulijjo. Okiraba? Kale ekyo si kye kikikola.

¹³ Ekyo leka nsooke nkigezese okumala eddakiika. Leka tuteeke Yesu mu kaguli tumuwozese. Era Katonda ansonyiwe olw'ekigambo kino, okukyogerera wano mu kituuti, naye n̄enda kumuvunaana okumala eddakiika, okusobola okubalaga Ekitangaala. Okiraba?

¹⁴ "Kaakano mmwe bantu be nnina wano akawungeezi kano; era njogera gye muli. Nze. . ." (Tuzzeeyo mu biro biri, Yesu ow'e Nazaleesi we yabeerera ku nsi.) "Nzize gye muli, okubannyonyola nga nvunaana omusajja ono, Yesu ow'e Nazaleesi. Kati ffenna tukimanyi nti Katonda kwagala. Bayibuli egamba nti ekyo ky'Ali. Kale, era okwagala, Omwoyo kugumiikiriza okutaken̄n̄entererwa, bukkakkamu, bugumiikiriza, buteefu, n'ebirala, wamu n'okwagala. Kati nze n̄namba, nnandyagadde mbeeko ne kye mbabuuzza. Tugenda kubaako gwe tuggyayo gwe—gwe tumanyi, nti Mukristayo.

¹⁵ "Mulabe kabona wammwe ono omukadde. Jjajja wa jjajja wa jjajja wa jjajjaawe omusajja yali kabona. Yalina

okuzaalibwa mu lulyo luli olw'Abaleevi, okusobola okubeera kabona. Tukiraba kati, nti, teyafuna ku kaseera ka bulamu bwa kivubuka nga abasigadde bwe mwalina. Akola ki? Yeewaayo nga ssaddaaka, abeera waggulu eri nga asoma Kigambo, Ekigambo kya Katonda. Akisoma, misana na kiro, misana na kiro, atekwa okumanya buli nnyukuta yaakyo, buli kigambo ekiri ku muzingo. Ateekwa kukikwata bukusu. Ye—ye, waliwo eky'enjawulo ku kyo ky'ateekwa okumanya.

¹⁶ “Ekirala, nga ojjeeko ekyo, kitaawo ne nnyoko bwe baali bagattibwa, ani yabagatta awamu nga omwami n'omukyala? Kabona wammwe oyo omukadde atya Katonda. Ani eyajja okulaba kitaawo bwe yali mu bwetaavu nga abanjibwa ssente ze yeewola ku lwa faamu ye, nga abaamuwola ssente baagala okugitwala? Ani yamubeererawo? Yali kabona wammwe oyo omukadde ow'ekisa. Ani eyayimirira ne nnyoko ku lusegere mu kasenge bwe yali akuzaala? Kabona oyo omukadde ow'ekisa. Ani ajja okukulambula bw'oba omulwadde oba nga oli mu bwetaavu? Kabona wammwe oyo omukadde ow'ekisa. Ani oyo eyakusabira omukisa n'akuwongayo eri Katonda, n'okkukomola n'akukomola ku lunaku olw'omunaana? Kabona wammwe oyo omukadde ow'ekisa. Kitaawo ne nnyoko bwe baali banaatera okwawukana, ani yabatabaganya, ne baddinana? Kabona wammwe oyo omukadde ow'ekisa. Bwe wabaawo omutawaana ku muliraano, ani adduukirira? Kabona wammwe oyo omukadde ow'ekisa. Mazima ddala.

¹⁷ “Kati kabona ono omukadde ow'ekisa akimanyi bulungi nti Bayibuli egamba nti Katonda yeetaaga omwana gw'endiga gwe guba gusalibwa nga ekiweebwayo. Bangi ku mmwe abasajja muli basajja basuubuzi, kale temulunda ndiga, ate nga Katonda yeetaaga endiga. Baakulayemidaala engulu wali, ne batunda endiga zaabwe a—abasuubuzi basobole okwambukayo bazigule, basobole okuwaayo ssadaaka ku lw'emmeeme zaabwe, Katonda gye yeetaaga.

¹⁸ “Omuvubuka ono omuto ye yakola ki, ono ayitibwa Yesu? Yava wa? Kigambibwa, mbu yazaalibwa mbeerera. Ani yali awuliddeyo ekintu eky'obusirusiru nga ekyo? Tukimanyi nti nnyina olubuto lwe yalufuna ye ne Yusufu tebannazaalibwa, manya, nga ye ne Yusufu tebannagattibwa, ye n'azaalibwa. Kati tukiraba nti alina a—amanyiddwako bibi byokka, okusooka kwa byonna.

¹⁹ “Kaadi ki ey'obwammemba gy'alina? Bwe kiba nti musajja atya Katonda, yeegatta ku kibinja ki? Nga kabona wammwe yasoma, n'asoma, n'asoma, n'asoma, okusobola okutegeera Ekigambo ekyo; kyokka ate ye wano n'ajja, nga ayuzaayuzza byonna bye yazimba. Ggwe ekintu nga ekyo oyinza okukiyita 'Katonda'? Mazima tosobola.

²⁰ “Kati, luli, kabona wammwe bwe yakola ekifo kiri engulu

eri, gye...eyo gye mwali musobola okugula ssaddaaka, omuvubuka ono omuto ye yakola ki? Yakola bya kisa? Yakuba, yalukawo emiguwa, nga akozesa obugogwa n'amaliba, n'alumba abantu, n'obusungu; emmeeza n'azisambasamba, n'abakuba n'abagobayo. Era ekyo n'okiyita ebibala by'Omwoyo, nga abatunuuliza, obusungu? Era, labayo, n'aggyako omuntu omukisa gwe ogw'okusinza Yakuwa! Omusuubuzi ayagala kumusinza; ye talunda ndiga, ekyamututteyo kugigula. Kyokka Ye n'azivuunika, n'abisambasamba, n'abagobamu."

21 Kati awo ani alina ekibala ky'Omwoyo? Um-hum. Okiraba? Kiikyo. Mukiraba, ekikulu ssi kibala kya Mwoyo, ssi kwogera mu nnimi, ssi kuleekaana.

22 Oyinza okugamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, obukakafu bw'akyo bwe buli wa? Obukakafu bw'akyo bwe buli wa?" Kwe kukakasibwa kw'Ekigambo ky'ekiseera.

23 Bayibuli baagirina. Ye yali ekyo kyennyini Yakuwa kye yagamba ekiribaawo. Kyali tekyeetaaga kuvvuunulwa kwonna. Awo kyali kivvuunuddwa. Bakabona bammwe baaliwo, byonna bye baalina byali weebiri, era nga buli kimu kyonna kikolebwa mu mpalo nga bwe kirina okukolebwa n'ebirala byonna, kyokka ne balemwa okulaba Ekigambo. Era yaleetera Ekigambo ekyo okuba ekiramu eri omulembe ogwo. Obwo bwe bwali obukakafu eri omulembe ogwo.

24 Luther yalina obukakafu bw'omulembe gwe, Wesley yalina obw'omulembe gwe, Abapentekoote obw'omulembe gwabwe, naye ffe tuli mu mulembe mulala. Ebintu ebyo birungi. Naye nga omwana omuwer, bw'aba n'olugalo, eriiso, n'ennyindo, naye oluvannyuma lw'ekiseera aba alina okufuuka omuntu. Alina okufuuka o—omwana akuze; awo n'alyoka azaalibwa, n'aba n'emmeeme, omubiri, omwoyo, n'aba nga asobola okutambula.

25 Kati tukiraba nti, bino byonna, Yesu yali yabyogera, naye batono nnyo, abo bokka be yali yateekerateekera Obulamu, be baamulaba. Teyali nnamungi wa bantu; ebibiina bye eby'abantu byali tebisobola kwenkana n'ebya Kayaafa. Lwaki, kubanga Kayaafa yali asobola okuyita eggwanga lyonna n'alikuŋŋaanya wamu. Yesu yayitanga abantu ba lubatu. Ssi bangi abaali bamumanyi. Waaliwo nkumi na nkumi, we yajjira abaali ku nsi, yatambula ku nsi, naye tebaamanya na kumanya nti abaddewo n'okubaawo.

26 Bwe kityo bwe kijja okuba nate! Ajja kujja eri abo abaayitibwa eri Obulamu. Abo abaayitibwa eri Obulamu abamanyi. Era ta...Mulimu Gwe okukakasa nti ekyo kikolebwa.

27 Kati tukiraba nti mu kaseera ako baali bafulumye ekkanisa, era nga baamukkiriza. Buli kimu kyonna Ekigambo kye kyali kimwogerako, kyali kituukiridde mu Ye.

28 Kati lwali lumu n'Ava mu maka gaabwe. Njagala njogere ku bintu bisatu: Yesu yali avuddewo; okufa kwali kuzze; nga n'essubi lyonna liwedde. Njagala njogere ku bintu ebyo ebisatu okumala eddakiika entonotono.

29 Yesu yali avuddewo. Era bwe yavaawo, ne wagwaawo omutawaana. Kati bw'Akuvaako, oba awaka wo w'obeera, nga emitawaana gisembera. Ssetaani aba agguliddwawo oluggi Yesu bw'avaawo.

30 Yali agenze, era—era mangu ddala nga ky'Ajje aveewo, awo okufa ne kujja. Era Yesu bw'afuluma, okufa nga kuyingira. Okumwawukanako kuba kufa, kale okufa kwayingira Yesu bwe yafuluma.

31 Era okumala akabanga Lazaalo yali mu lusuubo lwa kufa. Ate n'Oyo gwe baali bakkiririzaamu era gwe baali baagala, baali bamutumizza okujja asabire Lazaalo, kubanga baali bamulabye era nga bakimanyi nti amanyi Katonda, nti, "Kyonna, Katonda..." Maliza akyogedde emabega wali nti, "Kyonna ky'Onaagamba Katonda kaakano, Katonda ajja kukikola." Yakitegeera nti Ye ne Katonda baali Omu. Ye yali Ekigambo ky'ekiseera ekyo, kale ekyo yakitegeera. Era yali akimanyi nti, ssinga amala n'amusisinkana, kyokka yali yagenda era nga tebamuwuliza. Era baamutumya, naye, mu kifo kya Ye okujja, yeeyongerayo bweyongezi. Era ne baddamu ne bamutumya, era, mu kifo kya Ye okujja, yeeyongerayo bweyongezi.

32 Ebiseera ebimu twewuunya lwaki ebintu ebyo bibaawo, naye Ekyawandiikibwa tekigamba nti, "Ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda"? Ky'Akola akimanyi. Bw'Alwaawo, tekirina mutawaana. Amanyi ky'Akola. Waaliwo ekigendererwa.

33 Tukiraba nti yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:19 nti, "Ddala, ddala, mbagamba nti, Omwana tayinza kukola kintu kyonna ku Bubwe, okujjako ekyo ky'alaba Kitaawe nga akola."

34 Kitaawe yali amugambye aveewo, era amaleyo ennaku eziwerako. Era ennaku bwe zaggaawo, awo n'Ayogera ekyo kye yayogera, nti, "Mukwano gwaffe Lazaalo yeebase."

Era n'agamba nti, "Kale, ali bulungi."

35 Yagamba nti, "Afudde. Era ku lwammwe ndi musanyufu okuba nti ssaabaddeyo." Kubanga, baandigezezzaako okumusaba agende gy'ali, amuwonye oba ayogere ekyalina okukolebwa. Naye yali amanyi ekirina okukolebwa, kale yali akoze ekyo kyennyini kye yali yateekerwateekerwa okukola: kuvaawo. Bw'omwekkaanya wali ku ntaana nga akomyewo. Ekyo yakyoleka bwe yakomawo n'asanga amaka gano.

36 Essuubi lyonna lyali ligenze. Lazaalo yali afudde. Buli ssaawa, baabeeranga balowooza muli nti, “Aynza okulabikako. Yandirabikako. Yandikomawo.” Ekyavaamu, n’afa, n’assa ogw’enkomerero.

37 Ne bagenda, ne bamuziraga, ne baggyamu omusaayi mu mubiri gwe, ne bamuzinga mu bafuta, n’obuloosa, ne bamuziraga ne bamugalamiza mu ntaana, ne bassaako ejjinja ku ntaana, nga ye yali enkola yaabwe ey’okuziikamu mu biro ebyo. Nga basima ekinnya mu ttaka, oba nga mu lwazi, ne bateekako ejjinja ku ngulu ku kyo, bwe batyo bwe baakolanga.

38 Olunaku olusooka ne luyitawo, olunaku olw’okubiri ne luyitawo, olunaku olw’okusatu ne luyitawo, olunaku olw’okuna ne luyitawo, omusajja yali atandise okuvundira mu ntaana. Ennyindo ye oba oli awo yali enogoseeko. Ekyo, ndowooza ekyo kye kintu ekisooka okugwamu, ye nnyindo. Era yali avunze. O—omubiri gwe gwali guzweeyo mu nfuufu, y’ensi, manya nga guddayo. Emmeeme ye yali yaakatambula olugendo lwa nnaku nnya, okuva lwe yamuvaamu.

39 Essuubi lyonna ery’okuddamu okumulaba, mu bulamu buno, lyali ligenze. Era awo nga essuubi lyonna ligenze. . . Baalindirira nti, “Oba oli awo Anajja ku lunaku olusooka, oba ku lunaku olw’okubiri!” Nedda. Oluvannyuma n’afa, naye era nga tannajja. Awo ne wabaawo okusoberwa.

40 Oluvannyuma lw’akaseera waliwo atekwa okuba nga yamugamba nti, “Omuyigiriza ali wabweru.” Awo Maliza n’akwata ekkubo n’akkirira!

41 Yesu yajjira mu kiseera ekya kazigizigi nga essuubi lyonna liweddewo. Awo w’Atera okujjira. Okiraba? Ajjira mu kaseera ako kennyini aka kazigizigi, awo Yesu w’alabikirako.

42 Kati wekkaanye, y’Ajja n’ayita Maliza. Okubeerawo Kwe kwaleetawo essuubi eriggya. Newankubadde nga omulenzi yali amaze okufa, naye Okubeerawo Kwe kuleetawo essuubi eriggya.

43 Oyinza okuba nga otudde wano akawungeezi kano, mukwano gwange, nga abasawo bakukongoseeko, oina kookolo, olumizibwa omutima. Oba oli awo oli mu kagaali ka balema, wagongobala, nga ssayaansi yenna agambye tewakyali ssuubi gy’oli; nga eky’obutaba na kalisiyamu amala ki—kigongobazza a—a—amagumba go, n’oba nga tokyasobola kweweta. Oba, nga o—omutima gwo guli mu mbeera mbi nnyo ddala, nga n’omusawo agamba nti wandifa essaawa yonna. O, ne nnamungi w’abantu abalina kookolo n’akafuba, oba oli awo nga essuubi lyokka ly’obadde oina, nga kirabika nga omusawo eyalikumaliddemu ddala. Naye, okubeera mu Kubeerawo n’okutegeera Okubeerawo kwa Yesu Kristo, kikomyawo essuubi nate.

44 Wayinza n’okubaawo akikugamba. Oyinza okuba tokiwulirangako, naye leka wabeewo agamba nti, “Nnina we

mmani awali ekkansa, ekkiririza mu Katonda era nga basabira abalwadde,” mangu ddala (Kati, wano obadde ogenda kufa. Okiraba?), naye essubi eriggya ne lisituka. Bwe kiba bulijjo. Mu kaseera ako aka kazigizigi, awo omuntu w’akyogererako, n’akubuulira ku Yesu. Okubeerawo Kwe kwaleeta essubi eriggya.

⁴⁵ Leka kikole ekintu kye kimu akawungeezi kano, nga bwe kyakoze ekiro kya jjo. Bwe tulaba Ekigambo ekyo ekikakasiddwa okusukkuluma okubusabuusa kwonna, ekyo ekirabisiddwa, ne kikakasibwa nti Yesu *oyo* eyaliwo emyaka lukumi mu lwenda egyakayita, oyo eyafiira e Kalivaaliyo, n’azuukira ku lunaku olw’okusatu, n’alabikira abayagirizwa bali era n’azibula n’amaaso gaabwe, era eyakola ekisuubizo kino eky’ebiro bino, nti ali wano wennyini akawungeezi kano mu makkati gaffe kaakano, kiteekwa okuleeta essubi eri abantu. Walabikawo essubi eriggya.

⁴⁶ Oba oli awo waliwo omuntu eyagamba nti, “Ekkansa ebadde nkalu okumala ekiseera. Tetubadde na mazzi malungi o—o—okumala emyezi nga giigyo. Tetubadde na kudda buggya. Kirabika nga buli omu atalinaako nkyukakyuka, oba ekintu bwe kityo. Tugenda bugenzi ku kkanisa ne tuyimbayo oluyimba, ne—ne tuwuliriza ku bubaka obutonoto oluvannyuma ne tuddayo.” Naye mu kaseera buseera, bwe, tutandika okukalira, awo Yesu n’ajja n’alabikako, n’atuzza buggya nate, n’abaako ekipya ky’atuleetera. Ekyo bulijjo abeerawo okukikola. Essubi eriggya lijja nga—nga Yesu azze. Okubeerawo Kwe kuleeta essubi eriggya.

⁴⁷ Omukazi yakitegeera nti Ye yali Ekigambo kya Katonda ekyo ekirabisiddwa. Omulembe ogwo yali agulabye. Kuba, bwe kitaba kityo, yandisigadde nga Musodookisi. Yandisigadde akyali munnakkanisa. Naye yali alabye Ekigambo ekyo ekyasuubizibwa. Yali alabye Ekigambo ekyo ekyasuubizibwa nga kirabisibwa Ye era yakimanya nti Ye yali Ekigambo ekyo ekiramu. Era bwe yakiwulira, teyafaayo oba bameka abaamunenya, oba ekintu kyonna, yadduka mbiro nga bw’asobola okumusisinkana. Okiraba? Yakimanya nti Ye Kigambo ekirabisiddwa.

⁴⁸ Awatali kubusabuusa atekwa okuba nga yali yasomako ku byogerwa ku Eriya mu biro bye. Kati, yali Kigambo kya Katonda ekirabisiddwa mu biro ebyo. Yali nnabbi, ate Ekigambo kya Mukama kijja eri nnabbi. Era waaliwo omukazi mu kitundu ekyo eyalina omwana omuto eyali yamuweebwa olw’omukisa nnabbi gwe yali yamuwa, era n’azaala omwana.

⁴⁹ Lumu, ku ssaawa nga ttaano ez’emisana, atekwa okuba yasannyalala olw’omusana omungi okumwokya. Yali bweru mu nnimiro ne kitaawe, Bayibuli tegamba nti kyali ekyo, nti yasannyalala lwa musana mungi, naye yatandika okukaaba

nti, “Omutwe gunzita! Omutwe gunzita!” ku ssaawa awo nga ttaano ez'emisana. Era yalina omuddu, kitaawe yamulina, ow'okumutwala eka mu nnyumba. N'amugalamiza ku mubiri gwa nnyina okutuusa nga mu ttuntu, ne yeeyongera kuba bubu nnyo, ekyavaamu n'afa.

⁵⁰ Era kati, mu kifo ky'okugenda nga yenna asobeddwa, a...baliraanwa bonna bo bajja bakaaba n'okwaziirana, naye maama oyo omugumu, eyali afiiriddwa omwana, yamuyingiza mu kasenge kali ke yali yakolera nnabbi, n'amugalamiza ku kitanda kye, *bw'aty*. N'agamba omuweereza we nti, “Nteekera amatandiiko ku nnyumbu, era ontwale butereevu, togezaako n'oyimirira okujjako nga nkugambye okuyimirira.” O, bannange! Ky'ekyo!

⁵¹ Tetukyalina budde bwa kuwakana na kukaayana. Ebyo ebiseera byayita dda. Mugire tugende. Tulina okutuukayo. Tulina ekyetaago.

⁵² Kale n'amugamba nti, “Genda mu maaso, era toddiriza ku bigere okujjako nga nkugambye.” Ne bagenda okutuusa lwe baatuuka ku Eriya.

⁵³ Eriya, olw'okuba yali musajja wa Katonda, wabula nga tali nga Kristo; Kristo ye yali amanyi ebintu byonna, kubanga Ye yali Katonda. Eriya ye yali kitundu butundu ku Katonda. Oyo yali Kristo mu Eriya. Era obwo bwe bwali obubaka bw'ekiseera ekyo, kubanga Ekigambo kya Mukama eky'ekiseera ekyo kyali ne nnabbi oyo.

⁵⁴ Yesu ye yali obujjuvu bwa bannabbi abo bonna, buli omu ku bo yayolekanga Ye yekka. Ky'ekyo. Okuviira ddala ku Yusufu, okuva ku bitundu bya ffeeza amakumi asatu, buli wamu wonna, ya—yayoleka Kristo. Ne Musa bw'aty!

⁵⁵ Dawudi, nga atudde nga kabaka agaaniddwa waggulu ku kasozi, nga akaaba olw'okuba yali agaaniddwa. Emyaka lunaana oluvannyuma lw'ekyo, Omwana wa Dawudi n'atuula ku kasozi. Ogwo gwali Mwoyo gwa Kristo mu Dawudi eyo. Era Ye...Bannange! Yali byombi Ekikolo era Omuzukkulu wa Dawudi. Kale bw'Atyo yatuula waggulu ku kasozi, n'akaaba, nga Kabaka agaaniddwa nti, “Yerusaalemi, Yerusaalemi, emirundi emeka gye nnayagala okkukunnya, nga enkoko bw'ekunnya obwana bwayo.” Kyali kiki ekyo? Yali Kristo mu kiseera ekyo.

⁵⁶ Kristo ye yali akaaba mu kaseera ako Dawudi we yawandiikira oluyimba nti, “Katonda wange, kiki ekikundesezza? Amagumba Gange gona, gansamaalirira. Bafumise ebigere Byange n'ebibatu Byange. Beegabanyizza ebyambalo Byange. Bakubye akalulu ku lugoye Lwange.” Oyo yali Kristo nga y'ayogerera mu Dawudi. Ekyo bwe kiri. Ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo. Kristo yajja kutuukiriza ebyo

ebyali byayogerwa bannabbi, kubanga Ekigambo kyali ne bannabbi.

⁵⁷ Yakyogedde ekyo mu ky'okuyigako ekiro kya jjo, nti yajja kutuukiriza ebyo bannabbi bye baamwogerako, kubanga baalina Ekigambo. Kati Eriya yali nnabbi wa Katonda, Ekigambo ky'ekiseera ekyo.

⁵⁸ N'olw'ekyo omukazi Omusunammu yasigala ne nnabbi oyo okutuusa lwe yajja n'alaga amaanyi ga Katonda, ne yeevuunika ku mwana, omwana n'azuukira.

⁵⁹ Kati Maliza kino atekwa okuba nga yali akimanyi, newankubadde yali mu kutawuka nga alabirira awaka, n'okwooza ebintu, n'ebirala byonna. Naye awo yalaga kiki kyali. Yalaga ekyo kyennyini ekyamulimu. Yagenda mbiro okumusisinkana. Katonda bw'aba nga yali mu Eriya, Katonda yalina okuba ne mu Kristo, kubanga yali akakasizza nti Ye yali Omuntu oli. Amiina. Ekyo nkyagala nnyo, obumalirivu obwo! N'agenda okumusisinkana. Yalina okumusisinkana. Era yakizuula awo, nga agenda gy'Ali—gy'Ali; kati mujjukire nti, yali akimanyi nti takyukangako, nti Katonda takyusa ntegeka Ze. Bw'aba nga yali mu Eriya n'asobola okuzuukiza omufu, yali ne mu Kristo era yali asobola okuzuukiza omufu, newankubadde yali tannakikola, kubanga ye Katonda y'omu.

⁶⁰ Ne leero takyukangako! Ye Katonda y'omu akawungeezi kano nga bwe yali abadde. Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Takyuka.

⁶¹ Era yali akimanyi nti omukazi akimanyi nti ekyo kyali mu Ye. Wekkaanye, mu ddakiika ntono ddala kyakakasibwa, bwe yabaako ne ky'amugamba ekikwata ku mwannyina, n'agamba nti, "Mukama wange, nzi—nzikiriza ye Ggwe."

⁶² Naye n'Agamba nti, "Nze Kuzuukira n'Obulamu. Newankubadde nga mufu, anaaba mulamu. Na buli muntu mulamu anzikiriza Nze talifa. NDI." Oyo ye NDI eyali mu kisaka ekyaka omuliro, ne Musa. "Nze Kuzuukira. Nze Bulamu. Nze nnali Ekisenge. Nkyali Oli. Nze Kuzuukira n'Obulamu. Anzikiriza Nze, ne bw'alifa, aliba mulamu. Buli muntu mulamu anzikiriza Nze, talifa." Oluvannyuma lw'obukakafu buno obw'ekitalo bwe yalina, nti Ye yali Ekigambo ekyasuubizibwa; bwe yagamba nti, nga bwe yali Nnabbi, yali tasobola kulimba; n'olw'ekyo Ye, bwe yagamba nti, "Nze NDI. Nze Oyo Okuzuukira n'Obulamu."

⁶³ N'agamba nti, "Nzikiriza Ye Ggwe, Omwana wa Katonda ow'okujja mu nsi. Newankubadde nga mwannyinaze mufu, era nga agalamidde mu ntaana, wa... omubiri gwe gwatandise n'okuvunda kati; naye ne kaakano, kyonna ky'Onaayogera, kijja kutuukirira." Weewaawo!

⁶⁴ Kyokka kye yali ayagala kwali kumuwulira nga akyogera! Amiina. O, Maliza, tuli wa akawungeezi kano? "Yogera bwogezi

Kigambo; omuddu wange anaaba mulamu!” Kumuwulira buwulizi nga akyogera! Bayinza okuba bajja ne bamugamba nti yakyogedde dda, naye wano yali Ye Mwene nga azze. Ai Katonda, zibula amaaso agaaziba, gasobole okulaba! Ye, mu Kubeerawo Kwe, bw'ayogera Ekigambo, bulijjo kirabisibwa.

⁶⁵ Yagamba nti, “Kyonna ky'Onaasaba Katonda, Katonda ajja kukikuwa. Njagala kukiwulira buwulizi!” Yali ayagala ayogere Ekigambo. Kye kyokka kye yali ayagala okuwulira. Kufuna bufunyi Kigambo, kye kyokka kye yali yeetaaga, kwali kumuwulira nga agamba nti Ajja kukikola.

⁶⁶ Era yali asobola okukikola awo wennyini, naye, olaba, okusenziira ku kwolesebwa Kitaawe kwe yali amulaze, yalina kuba nga ayimiridde ku ntaana. O, bannange! Nyweza okukkiriza kwo! Katonda ali mu kutereza buli kimu. Bigenda kuba bulungi. Lindako bulinzi atuuke ku ntaana.

⁶⁷ Wekkaanye, yali ayagala akyogere bwogezi, ne bwe yali nga. . .Nga essuubi lyonna liwedde, buli kimu kyonna. Yali yafa, nga avundira mu ntaana, naye kumuwulira buwulizi nga akyogera, kye kyokka kye yali yeetaaga.

⁶⁸ Kati bwe yagamba nti, “Nze Kuzuukira n'Obulamu,” yakikkiriza. Yakikkiriza. Kati wekkaanye, kati yalina okukkiriza olw'ebyo ebitasoboka, bwe yamuwulira nga agamba nti, “Nze Kuzuukira n'Obulamu. Newankubadde nga mufu, anaaba mulamu, na buli muntu omulamu anzikiriza Nze talifa.” N'agamba nti, “Okikkiriza ekyo?”

⁶⁹ Naye n'addamu nnti, “Weewaawo, Mukama wange, nkikkiriza. Nzikiriza nti Ggwe Mwana wa Katonda ow'okujja mu nsi.” Ekyo nkyagala. Ekyo nkyagala.

⁷⁰ Ki—kino nnali nkyogeddeko. Kiyinza okukola ne kaakano. Nnali njogerako n'omukazi ssi dda nnyo, eyali ava mu kkanisa emu gye nnayogeddeko gye buvuddeko, gye batakkiriza nti yali Katonda, Obwakatonda Bwe; bagamba mbu yali nnabbi bunnabbi, era muntu owa bulijjo.

⁷¹ Yali ekyo, weewaawo. Yali ekyo, nga ogasseeko n'eky'okuba Katonda. Okiraba, Ye yali okulabisibwa okwo. Yesu gwe gwali omubiri, Omulenzi, Omusajja; Katonda ye yali ekyo ekyamulimu. Katonda yali mu Ye. Yali Katonda-muntu. Yali Muntu, naye ate yali Katonda alabisiddwa mu mubiri. Bwe tulaba Yesu, tuba tulabye Katonda. Ky'ekyo kye yagamba nti, “Bwe mulaba Kitange. . .bwe mulaba Nze, nga mulabye Kitange.” Kubanga, Ye yali ekifaananyi, kubanga Ye yali Kigambo, amiina, ekyo ekjaliwo ku luberyeberye. Amiina.

⁷² Bannabbi yabayita, “bakatonda.” Okimanyi ekyo? Yagamba nti, “Mubayita 'bakatonda' abo abajjirwa Ekigambo kya Katonda. Muyinza mutya okunsalira omusango Nze bwe njamba nti, 'Nze Mwana wa Katonda'?”

⁷³ Kubanga, Ekigambo kye kimu kyagamba nti yali wa kubaaawo, era kati kiikyo Ekigambo nga kirabisiddwa nate. Naye era ne batakkiriza.

⁷⁴ Omukazi ono yanŋamba nti, “Nsobola okukukakasa.” Yagamba nti, “Nnyumirwa nnyo okukuwuliriza nga obuulira, naye waliwo ekintu kimu ky’oyitiriza.”

“Kale, kye kiriwa ekyo?”

N’agamba nti, “Yesu omukuliriza nnyo.”

⁷⁵ Ne ŋamba nti, “Ka nsuubire nti ky’ekyo kyokka ky’Alinvunaana bw’Alikomawo.” Awo n’agamba nti... Ne ŋamba nti, “Ka nsuubire nti ky’ekyo kyokka ky’Asobola, ye nsobi yokka gy’Asobola okunzuulamu.” Ne ŋamba nti, “Ne bwe nandibadde n’ennimi mutwalo, era ssandisobodde kwogera kimala, o, bannange, ku ekyo ky’Ali!”

N’agamba nti, “Naye, ggwe, omufuula Katonda.”

⁷⁶ Ne ŋamba nti, “Ekyo kye yali. Oba, bw’aba nga ssi kye yali, Ye yali omulimba akyasinzeeyo ensi gwe yali erabye.”

N’agamba nti, “Yali nnabbi.”

⁷⁷ Ne ŋamba nti, “Yali Nnabbi, ekyo kituufu: Katonda-nnabbi, obujjuvu bw’Ekigambo. Nnabbi yafunanga bufunyi Kigambo ekyajjanga gy’ali, ekyo kye kimufuula—kyamufuulanga nnabbi. Naye Ye ye yali okutuukirizibwa kw’Ekigambo ekyo.”

⁷⁸ Awo n’agamba nti, “Nsobola okukukakasa.” N’agamba nti, “Omufuula Katonda.”

Ne ŋamba nti, “Yali Katonda.”

Awo n’agamba nti, “Tasobola kuba Katonda.”

Ne ŋamba nti, “Ye... Naye ekyo kye yali.”

N’agamba nti, “Ogambye okkiriza Bayibuli.”

Ne ŋamba nti, “Ngikkiriza.”

⁷⁹ N’agamba nti, “Ŋenda kukukakasa, nga nkozesa Bayibuli yo yennyini, nti teyali Katonda.”

⁸⁰ Ne ŋamba nti, “Kikole. Bayibuli bw’eba ekyogera, nja kukikkiriza, kubanga nzikiriza nti Ekigambo kituufu.”

⁸¹ N’agamba nti, “Mu kugenda eri emmanga ku ntaana ya Lazaalo, ojjukirawo awo mu njiri y’Omutukuvu Yokaana 11?”

Ne ŋamba nti, “Weewaawo nzijukirawo, nnyabo.”

⁸² N’agamba nti, “Kati, nno, mu kuserengetayo, yakaaba. Bayibuli egamba nti, ‘N’akaaba.’”

Ne ŋamba nti, “Weewaawo, Bayibuli egamba nti yakaaba.”

N’agamba nti, “Ayinza atya okuba nga yali Katonda ate n’akaaba?”

Ne ŋamba nti, “Yali muntu.”

“Muntu ate nga Katonda?”

⁸³ Ne n̄namba nti, “Yee, nnyabo. Kikulemye okulaba. Yali mu—muntu mu kugendayo, n’akaaba wamu n’abo abaali bakaaba, ekyo bwe kiri, nga anakuwalira wamu n’abo abaali banakuwadde. Yali muntu. Naye bwe yagolola omubiri gwe ogwo omutono, omuyenjebufu, n’agamba nti, ‘Lazaalo, vvaayo,’ omusajja eyali amaze ennaku nnya nga mufu, n’asituka n’ayimirira ku magulu ge. Ekyo kyali kyetaagisa asinga ku muntu, oyo yali Katonda mu Muntu.” Ani asobola okuzuukiza omufu, okujjako Katonda? Ye Kuzuukira n’Obulam! Bwe kiri.

⁸⁴ Ekiri kiri ku nnyanja, bwe yali eyo, nga akooye, agalamidde emabega mu lyato, emizimu gy’ennyanja omutwalo mulamba bwe gyerayirira nti gyali gya kumubbiza ekiri ekyo, eryato eryo ekkadde bwe lyali liyuuga nga lidda eno n’eri nga akasaanikira k’eccupa nga liri mu buziba bw’ennyanja eyaliko omuyaga. Emizimu egyo gyalowooza muli nti, “Tumulina kati. Yeebase; tugenda kubbiza ekibinja kyonna.” O, yali muntu, nga akooye, naye bwe yazuukuka, yateeka ekigere Kye ku mugo gw’eryato, n’atunula waggulu n’agamba nti, “Kkakkana, teeka,” embuyaga n’amayengo ne bimugondera. Oyo yali asingawo ku kuba omuntu obuntu.

⁸⁵ Yali muntu bwe yalumwa enjala, n’aserengeta okuva ku lusozi, nga anoonya akatundu k’omugaati oba ky’ayinza okulya, oba ettiini okuva ku muti. Naye bwe yakwata obugaati butaano n’ebyennyanja bibiri, n’aliisa abantu enkumi ttaano, oyo yali Katonda mu Muntu oyo. Bwe kiri.

⁸⁶ O, buli muntu yenna eyali abaddemu n’akanigguusa yakikkiriza ekyo, abatontomi bonna baakikkiriza ekyo. Omu kye yava awandiika n’agamba nti:

Nga mulamu; Yanjagala, bwe yafa n’Andokola;
Bwe yaziikibwa, n’Atwalira ddala wala ebibi
byange;
Bwe yazuukira, n’Anzigyirako ddala omusango
emirembe gyonna;
Lumu alijja, O nga luliba lunaku lwa kitiibwa!

⁸⁷ Eddie Perronet, oyo ennyimba ze ezitaali za ttunzi. Lumu, bwe yali atagalatagala olw’amaanyi g’Omwoyo Omutukuvu, yakwata ekkalaamu, n’awandiika oluyimba olw’okutongoza, bwe yawandiika nti:

Mwenna mutendereze amaanyi g’Erinnya lya
Yesu!
Ba Malayika bavunname;
Muleete engule ey’ekitiibwa,
Mumutikkire Oyo Mukama wa byonna!
(Aleruuya!)

⁸⁸ Weewaawo, ekyo kye tukkiriza nti kye yali. Yee, ssebo.

⁸⁹ Alina okukkiriza ebyo ebitasoboka kati, eri endowooza ey'omulembe ey'ekiseera ekyo. Naawe bw'otyo bw'oteekwa okukkiriza ebitasoboka, okusobola okulaba Obulamu obuggya, okubaako ne ky'olaba ekibaawo. Naye bw'Aba yakitegeera. . . Yamutegeera nti Ye Kigambo, awo ebitasoboka ne biryoka bibaawo, kubanga Ye ye Mutonzi, era ajja kunywerera ku buli kimu kyonna kye yayogera.

⁹⁰ “Era ebintu byonna biyinzika eri abo abasobola okukkiriza.” Ekyo kye Kigambo Kye. Naye ebitasoboka birabisibwa Katonda bw'akkirizibwa nga Ekigambo Kye bwe kiri. Yee, ssebo. Katonda bw'akkirizibwa nga Ekigambo Kye bwe kiri, ebitasoboka bi—birabisibwa. Katonda bw'agamba nti kijja kubaawo, ggwe twala Ekigambo ekyo olindirire olabe nga, ebitasoboka bibaawo. Mazima ddala bijja kubaawo.

⁹¹ Naye wekkaanye, ne mu ebyo byonna, yagamba bugambi nti, “Ne kaakano, Mukama wange, kyonna ky'Onaasaba Katonda, Katonda ajja kukikola.” Yakimanya nti yali alina kumuleetera kuvaamu buvi Kigambo ekyo. Kye kyokka kye yali alina okukola, kufuna Kigambo ekyo. Weewaawo, ako kaali kaseera ke aka kazigizigi, awo Yesu n'ajja n'ayita. O, nga kyali kintu kya maanyi kye baalaba, okuzuukira!

Leka tulabe ku balala abaali mu kaseera aka kazigizigi.

⁹² Waaliwo omusajja lumu, eyali ayitibwa Yobu, omu ku bannabbi ab'edda ennyo mu Bayibuli. Yali musajja wa kitalo. Yali—yali ayagala Mukama, era nga akola buli kimu kyonna ky'amanyi. Naye Ssetaani n'ayagala okumuwewa, bw'atyo n'agamba Katonda lumu. . . Weewaawo, Katonda ye yamugamba, manya nti, “Ova wa, Ssetaani?”

⁹³ N'agamba nti, “Ha, nva kuddingana ku nsi n'okutambula omwo eruuyi n'eruyi.”

⁹⁴ N'agamba nti, “Olowoozezza ku muddu wange Yobu? Tewali amufaanana mu nsi. Musajja atuukiridde.”

⁹⁵ “O,” n'agamba nti, “mazima, Omuwadde buli kimu, era omukolera buli kimu. Weewaawo, musajja wa kitalo. Naye mpaayo akakisa mmukwateko lumu, nja kukyusa enjogera. Nja kumuleetera okukukolimira, mu maaso Go.”

⁹⁶ N'agamba nti, “Tosobola kukikola.” Obwo bwe bwesige Bwe bw'alina mu mukkiriza. Lwaki? Taliiko kkomo. Taggwaawo. Amanyi enkomerero okuviira ddala ku ntandikwa. Yakimanya nti Ssetaani tasobola kukikola. Kubanga, Ye ye Kigambo, yali amanyi Yobu ky'asobola okukola.

⁹⁷ Kati, mujjukire nti, Yobu, yamulwaza amayute, n'atta abaana be, n'atwala buli kimu kyonna kye yalina. Obulamu bwe ne bugootaana. N'abajja okumubudaabuda bajja, naye nga tebalina kye basobola kukola okujjako okumulangira nga bw'ali

omwonoonyi ow'omu nkukutu. Era Yobu musajja wattu yatuuka n'anakuwala nnyo.

⁹⁸ Olina okusooka, okunyigirizibwa. Olina okutuuka mu kaseera nga okomye.

⁹⁹ Yobu yatuuka nga ebibye bikomye, we yagambira nti, "Lukolimirwe olunaku olwo kwe nzaaalirwa. Leka enjuba ereme na kwaka, era leka n'omwezi guleme kwaka ekiro, n'erinnya lyalwo liremenga kwogerwa." Era mu kunyigirizibwa okwo, Yesu n'asembera. Yatunula wansi, n'agamba nti, "Ndaba, nga omuntu bw'afa, n'ekimuli kifa, ate ne kiddamu ne kiroka mu nkuba. Omuti bwe guwotoka, guddamu ne guloka nate olw'akaloosa k'amazzi." Yalaba obulamu bw'ebimera bwonna nga bukomawo nate, naye n'agamba nti, "Naye omuntu afa, n'ata omwoyo, kale ali ludda wa?" Yali akimanyi bulungi nti musajja mukadde. N'agamba nti, "Batabani be bajja okumukungubagira, naye n'atakitegeera. O, ssinga Ggwe onkwese mu magombe n'onkisa mu kyama, okutuusa obusungu Bwo lwe buliyita. Ntekerateekera ekiseera era ontegekere ebiro. Twagenda. . ." Ne yeeyongerera mu maaso bw'aty, nga ayogera. Yali atuuse ku nkomerero, y'okunyigirizibwa kwe, "Kiki ekwali kiddako? Ebikoola bibaawo, ne bikomawo ku miti, n'ebimuli bikomawo nate, buli kimu kikomawo nate, naye omuntu afa n'ata omwoyo!" Yali mu kunyigirizibwa. Yali tamanyi kiki kigenda kumutuukako, ku myaka egyo gye yalina.

¹⁰⁰ Bwe yanakuwala, awo Yesu n'asembera. Katonda n'atunuza omutwe gwe mu bwengula, n'alaba Yesu ng'ajja mu nnaku ez'oluvannyuma.

¹⁰¹ Mu kaseera ako aka kazigizigi mukyala we bwe yagamba nti, "Weegaane Katonda ofe nalwo luggwe," kyokka n'agamba nti, "Nnyabo, oyogera nga omukazi omusirusiru. Mukama y'awa, era Mukama y'aggyawo, Erinnya lya Mukama lyebazibwe." Ne mukyala we kennyini yamwabulira. Ekkansa ye n'emwabulira. Buli muntu yamwabulira.

¹⁰² Mu kaseera ako aka kazigizigi, nga tamanyi gy'alaga okuva awo, Yesu n'ajja. Awo n'aleekaanira waggulu nti, "Mmanyi nti Omununuzi wange aba mulamu, era mu nnaku ez'oluvannyuma aliyimirira ku nsi. Era ebiwuka by'omu lususu lwange bwe birimala okuzikiriza omubiri gwange bwe bityo, naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda, Oyo gwe ndiraba nze mwene." Mu kaseera ke aka kazigizigi, awo Yesu n'asembera. Yee, ssebo.

¹⁰³ Musa, ate ye Musa, akaseera ke aka kazigizigi kajja ali mu Isiraeri. Yali ku buvunaanyizibwa bwe bwennyini; n'asisinkana Katonda waggulu eri mu kisaka, n'agamba nti, "NZE NDI." Yaserengeta n'alwanagana n'okugeegeenya kwa Yane ne Yambere kwonna, bwe baali bagezaako okugeegeenya omulimu gwe. Mu bino byonna, yali asigadde mwesigwa eri Katonda. Oluvannyuma n'aleetera Isiraeri okukkiriza.

Kaakano wuuno wano nga afuluma Misiri, agenda mu—mu nsi ensuubize, eyo Katonda gye yagamba nti, “Mulinsinziza ku lusozi luno.” Ekyo kye kyali Ekigambo kya Katonda. Musa yali akimanyi bulungi nti yalina okugenda ku lusozi olwo. Amiina. Katonda yakyogera! Tewali Falaawo n’omu asobola kumutta. Tewali muzimu n’ogumu ogusobola okumutta. Tewali kisobola kumutta. Ajja kutuuka ku lusozi olwo. Amiina! Aleruuya! Mpulira nga ndi mu mwoyo. Agenda ku lusozi olwo.

¹⁰⁴ Naffe bwe tutyo tuli mu lugendo lwaffe okugenda mu Kitiibwa! Tewali kigenda kutuziyiza. Nedda, ssebo. Katonda agenda kukakasa Ekigambo Kye. Sifaayo ku kyonna ekibaawo, agenda kukikola, mu buli ngeri. Weewaawo.

¹⁰⁵ Ali mu lugendo, nga akola obuvunaanyizibwa bwe. Wuuno wano, nga azingiriziddwa wakati w’ensozi. N’awuliriza n’awulira okuwuluguma emabega we. Nga kiki? Magaali ga Falaawo, ga nkumi na nkumi, nga gajja; nga bakutte eby’okulwanyisa, n’amafumu n’ebintu eby’enjawulo, okubalumba n’okubalinniyirira. Waaliwo Ennyanja Emyufu, nga emwekiise mu maaso. Yakola ki? Ya-. . . Yasoberwa. Nga abantu bona baleekaana nti, “Yaaye, tuwedde ffe kaakano. Falaawo agenda kututta, ebiso bye bigenda kutuyuzaamu. Abaana baffe bagenda kufiira wano mu ddungu.”

Musa n’alaajana nti, “Ai Katonda!”

¹⁰⁶ Awo Yesu n’ajja n’alabisibwa. Ye yali Empagi y’Omuliro. Bwe kiri. Yakka wansi n’Alengejjera waggulu wakati we n’omutawaana. Amiina. Ye y’Atuyimiririra wakati. Ye y’Ayimirira-wakati, amiina, Omutabaganya. Wuuyo ayimiridde, nga ayimiridde awo; ne waba ekizikiza eri Abamisiri, abo abaali bajja okubaako ne kye bakola. Yali Kitangaala gye bali, okubamulisiza ekkubo. Kati enkeera embuyaga bwe yatandika okukunta n’amaanyi, ekiro ekyo, kiki kye yakola? Yali azze gye bali mu nkula ey’Empagi y’Omuliro.

¹⁰⁷ Mujjukire nti, akyali Mpagi y’Omuliro eri. Yee, ssebo. Bwe yali ku nsi, yagamba nti, “Nnava eri Katonda, era nzirayo eri Katonda.”

¹⁰⁸ Era oluvannyuma lw’okufa Kwe, okuziikibwa, okuzuukira, wamu n’okulinnya mu ggulu; Omutukuvu Pawulo, bwe yali agenda e Damasiko, Empagi y’Omuliro eyo yamukuba n’agwa wansi. Mujjukire nti, yali Mwebbulaniya. Kino yali tasobola kuyogera. . . Yagamba nti, “Mukama wange, Ggwe Ani?” Ennyukuta ennene M-u-k-a-m-a, Elohim. “Ggwe Ani gwe njigganya?”

N’agamba nti, “Nze Yesu.”

¹⁰⁹ Amiina! Aleruuya! Ye Asooka era Asembayo. Akyali y’omu. “Esigadde ekiseera kitono ensi obutandaba nate, naye mmwe munandaba. Nja kuba nnamwe, era mu mmwe.” Empagi y’Omuliro y’emu, Katonda y’omu nga akola ekintu kye kimu,

n'ekisuubizo kye kimu, amiina, nga aleetera Ekigambo Kye okulabisibwa. “Nze Kuzuukira n’Obulamu. Nze Oyo Eyabaawo, Oyo Aliwo, era Oyo Ow’okujja.” Yee, ssebo. Weewaawo.

“Bakitaffe baalya emmaanu mu ddungu.”

¹¹⁰ Yagamba nti, “Bonna, bonna, bafu. Naye, NZE NDI NGA BWE NDI.” Musa. . . Mu kisaka ekyaka, oyo ye yali NDI. Akyali NDI, si nnali; naye NDI, mu kiseera eky’obuliwo, ekiseera kyonna.

¹¹¹ Tukiraba wano nti Musa yanyigirizibwa mu kasonda kano, era nga Kristo yali asse wansi. Kati, nate era Bayibuli egamba nti, nti, “Musa yalowooza e—ekivume kya Kristo okuba obugagga obusinga eby’obugagga bwe Misiri.” Ekivume kya Kristo! Kristo ge gaali Amafuta, ekitangaala ekiyitibwa Logosi ekyava mu Katonda. Oyo Malayika, buli musomi wa Bayibuli yenna akimanyi nti Malayika oyo yali Kristo. Kati wuuno wano mu ddungu, era y’Ajja n’alabisibwa, mu nkula gye yali atekwa okulabisibwamu. Ekitiibwa kibe eri Katonda!

¹¹² Ajja olwa leero mu nkula, y’emu Kristo, gye yalabisibwamu.

¹¹³ Yali yabagamba nti wa kubaggyayo. Yali akikola. Wuuyo n’Ajja okuyimirira n’Ekigambo Kye, okukikakasa. Kati oluvannyuma nga amaze okujja, nga bwe yakola eri Maliza, awo n’Ayita. N’agamba nti, “Musa, lwaki onkaabirira? Yogera eri abantu bano, bagende mu maaso.” Mu kaseera ako aka kazigizigi, Ennyanja Emmyufu n’eyabuluzibwamu ne basomoka, nga bagenda okutuukiriza Ekigambo kya Katonda. Weewaawo, mu kaseera ka Musa aka kazigizigi, awo Yesu we yajjira. Tulina obudde kaakano. . . Era n’Ayita Musa.

¹¹⁴ Twagala n’okwogera ku musajja omulala ataali wa ttutumu. Erinnya lye ye Yayiro. Waliwo bangi nnyo abali nga ye mu nsi leero. Yali mukkiriza wa mu kyama. Yayagalanga Yesu. Yali yamuwulirako. N’amukkiriza. Naye, olaba, yali yamala dda okwegatta ku kibiina eky’obuntu. Weewaawo. Ya—ya—ya—yali. . . Yali tasobola kuvaayo n’akyatula. Yali akikkiriza, naye nga tasobola kuvaayo n’akyatula, olw’ensonga eyo yali yeegatta ku batakkiriza. Naye nga mu mazima yali akikkiriza.

¹¹⁵ Omanyi, omuntu bw’atuuka mu mbeera eyo, emirundi egimu Katonda amuleeta mu kaseera ak’okwolekanya obwanga. Mu kunyigirizibwa kuno we twolekera ddala obutonde bwaffe, kiki kye tuli.

¹¹⁶ Kati wuuno wano, yali yamala dda okwegatta n’abatakkiriza, era nga yagenda dda n’ateeka erinnya lye mu kitabo, n’ebirala byonna. Ate yali kabona, kale n’olw’ekyo ya—yali tasobola kumala gaatula, kubanga awo we yali afuna eky’okulya. Kale, naye era yasigala akkiriza Yesu.

¹¹⁷ Lumu, kawala ke akato ne kalwala. O, bannange. Ye, tewali kubuusabuusa musajja watu, oba teya. . . mu mbeera

eyo, yali alina kuyita musawo. Omusawo n'ajja, n'ajjanjaba omwana. Naye omusujja gwe ne gweyongera bweyongezi. Bwe waayitawo akaseera ne yeeyongera ebbugumu, na buli kimu kyonna, okukkakkana nga atuuse n'okufa. Yali mu kanyigo. Yalina okubaako ne ky'akola. Ya—yali tamanyi kiki kya kukola. Kati n'alowoozaamu nti, "Ssinga nsobola okumufuna, yonna gy'Ali." Kati ye teyalinda na budde kuziba, nga Nikodemo bwe yakola, okusobola okumumisinkana mu kyama. Kyali kiseera kya kubaako na ky'akola, ekiseera kyali kituuse eky'okubaako ne ky'akola era yalina okukola mu kaseera ako kennyini.

¹¹⁸ Era ndowooza nti, muganda wange, mwannyinaze, kye kimu ne mu kaseera kano. Ekiseera kituuse eky'okukola. Ekiseera kituuse okukkiriza oba obutakkiriza. Omusittale ogwo ogwawula gujjira buli musajja na buli mukazi. Gujjira buli mwana. Emirundi egimu bw'osukka omusittale ogwo, waba wasigaddeyo ekintu kimu kyokka, gwe musango, bw'osukka wakati w'ekisa n'omusango, n'osukka omusittale ogwo.

¹¹⁹ Mujjukire nti, yatuuka n'aba mu kunyigirizibwa. Yali tamanyi kya kukola. Bakabona be nga bayimiridde awo, ne ba labbi nga bamwetooldde. Be yasabanga nabo baali naye, nga beetooldde awo wonna, balaba kawala ke nga kafa. Omusawo nga ayimiridde wabweru, azinze emikono gye, n'anyeenya emikono gye n'agamba nti, "Mmuwadde buli ddagala lyonna lye mmanyi, naye era . . ."

¹²⁰ Okiraba, yali Yesu nga y'akola mu kaseera ako konna. Yesu kino yali akikola olw'ekigendererwa, okuggyayo obutonde bwa musajja wattu oyo. Nga wayiseewo akaseera, mmulaba nga akwata akakoofiira ke akaddugavu n'akambala, n'assaako n'akakooti ke ak'obwakabona.

"Ogenda wa?"

¹²¹ "Nze . . . Mpulidde nti ali mmanga ku mugga. Ñhenda gy'Ali!" O, bannange! N'avaawo n'agenda!

¹²² Mu kaseera ako ak'okunyigirizibwa, yalina okukola okusalawo: okuleka omwana we afe, oba yali akimanyi nti okwo kwe kwali okulabisibwa kw'Ekigambo. Yali kabona, era yali yasoma Ekigambo, era nga akimanyi nti okwo kwe kwali okulabisibwa kwa Katonda. Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali. Ekyo yali akimanyi, era yawalirizibwa eri ensonga eyo. Yalina okubaako ensobi gy'akola, okuleka omwana we afe, oba okukola okwatula kwe. Bwe yatuuka mu kunyigirizibwa okwo, mu kiseera ekyo Yesu we yajjira. N'agenda amulabe. N'agamba—n'Agamba nti, "Nja kugenda naawe, kyonna ky'ogamba." Kati ebweru mu kkubo, ne wabaawo eyajja nga abika, nga waliwo ekintu ekibi ennyo ekibaddewo. Yali amaze okukola okwatula kwe, nti amukkikirizaamu. Yali amaze okwegoba mu kkanisa, n'avaayo mu lujjudde lw'abantu, okulaga nti afuuse mukkiriza wa Yesu.

123 Kati awo ne wabaawo eyajja abika, n'agamba nti, "Tobaako gw'oteganya, kubanga muwala wo yafudde dda. Yafudde ggulo. Mufu wa jjo. Togezaako, togezaako kuddamu kukisaagiramu."

124 Era, ha, omutima gwe bambi kata gukutuke. Naye n'atunula n'alaba amaaso ga Yesu ago, nga agamba nti, "Ssaakugambye? Totya, bw'oba oyagala okulaba ekitiibwa kya Katonda. Otya ki? Nnakugambye dda nti Nja kugenda."

125 Yagambye dda nti Ajja kujja. Yagambye dda nti kino Ajja kukikola, era wuuno wano Akikola. Amiina. Yagamba nti Ajja kugolokoka alabisibwe mu nnaku ez'oluvannyuma era akole ebintu nga bwe yabikola, nga bwe twasomye ekiro kya jjo era ne tubyogerako. Wuuno wano Akikola. Kiki ky'otidde?

126 Jjukira, bwe yajja, awo n'Amuyitayo okuva mu bafu. Yajja n'alabisibwa era n'amuyitayo okuva mu bafu.

Battimaayo omukadde omuzibe w'amaaso, lumu, yatuuka mu kaseera ke aka kazigizigi.

127 Yesu yali mmanga eyo, nga ategeseeyo olukunjaana lw'Ekyenkya ky'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Bujjuvu bw'Enjiri emmanga eyo mu—mu Yeriko, era yaliyo ne Zaakayo emmanga eyo. Yali ava kumusisinkana mu muti, nga oserengeta mu kkubo. Kati bwe yali... Weewaawo, yali tasobola kutegeka kintu kirala kyonna, nkakasa. Okiraba? Kale kati bwe yaserengetayo, era ya—yali naye, Zaakayo yali agenze naye.

128 Battimaayo omukadde omuzibe w'amaaso yali muzibe okuviira ddala nga akyali kalenzi kato. Kale yali alowooza nti Yesu yandiyitira ku wankaaki oyo, era yali alindiridde. Bwe waayitawo akaseera n'awulira oluyogaano, nga buli omu bw'ayitawo.

129 N'awulira ne kabona nga agamba nti, "Owaaye! Owaaye, ggwe, ggwe ayambuka akasozi! Ya—ya—ya...Tuwulira mbu ozuukiza n'abafu. Tulinawo wano entaana ezijjuddemu abafu. Bw'oba ggwe Masiya, bw'oba ggwe Masiya, yambuka waggulu eno ozuukize abafu bano."

130 Mukimanyi, nti omwoyo ogwo gwe gumu gukyaaliwo, okiraba, mu nkula y'eddiini, mu ngeri y'emu. Okiraba?

131 "Bw'oba ggwe Masiya, tu...era nga ozuukiza abafu; tulina wano entaana ezijjuddemu abafu waggulu eno. Jangu." Awo, ha, nga buli omu bw'akuba enduulu. Nga omu aleekaana nti, "Ozaana eri Nnabbi!" Nga omulala aleekaana *kino*, *kiri*, oba *ekirala*. Nga waliwo akavuyo bwe katyo!

132 Musajja mukulu ono omuzibe n'alowoozaamu muli nti, "Ha, mmusubiddwa. Ayitidde eri, ate nnabadde ndowooza Ajja kuyitira wano. Nnateekeddwa mu kifo kikyamu." N'atandika okuleekaana. Yalowooza muli nti, "Bw'aba nga Ye Kigambo, kitegeeza Ye Katonda; atekwa kuba Ye." Kale, "Ai Yesu,

Ggwe Omwana wa Dawudi, onsaasire!” Mu kaseera ako ak’okunyigirizibwa, n’akwoola.

¹³³ Kati Yesu, bw’oba osobola okukiraba wano, yali mu Yeriko. We bagamba nti we yali atudde, yali yaadi kikumi mu ataano okuva Yesu we yali. Nga enkumi n’enkumi z’abantu bwe bamwetooldde, yali tasobola kuwulira kukaaba kwa musajja oyo. Nedda. Naye kwamukomako. N’ayimirira.

¹³⁴ Njagala kubuulira, olumu ku biro bino ku kino nti: “Awo Yesu n’ayimirira.” O! “Awo Yesu n’akutama.” O!

¹³⁵ Naye Yesu bwe yayimirira, kiki ekyabaawo? Yamuyita. “Omuyigiriza azze. Teweeraliikirira,” abayigirizwa bwe baagamba, “Akuyita. Akuyita.” Yamuyitayo okuva mu kibiina ekyo.

Akola ekintu kye kimu ne kaakano. Ekyo kinnyikira munda? Okiraba?

¹³⁶ “Omuyigiriza azze era akutumizza.” Era yamuyita okuva mu buzibe bw’amaaso okudda mu kitangaala, okuva mu kizikiza okudda mu musana. N’amuyita, okuva mu kufa okudda mu Bulamu. “Omuyigiriza azze era akuyita.” Era bwe yamuyita, n’Amuzibula amaaso ge.

¹³⁷ Omukyala oli bambi eyalina ekikulukuto ky’omusaayi, lumu, waggulu ku kasozi, yali asaasaanyizza ssente ze zonna, mu basawo. Bambi, awatali kubuusabuusa, baali baatunda ne—ne ttiimu. Baali batunze ne—n’ekibanja kyabwe, nga baakisingayo okwewola ssente. Baali basaasaanyizza kyonna kye basobola mu basawo, naye tewali n’ekimu kyamuyamba. Yeeyongeranga bweyongezi kuba bubi. Omusaayi tegwalekera awo kukulukuta. Gweyongeranga bweyongezi, ne gweyongeranga bwe gutyo, ne yeeyongeranga kuba bubi.

¹³⁸ Naye lumu, bwe yali atudde awo aluka, waggulu eri ku kasozi gye yali abeera, n’atunula wansi mu kiwonvu, n’alaba eryato nga lijja. Buli muntu n’atandika okudduka nga bw’agamba nti, “Ozaana eri Nnabbi!”

¹³⁹ Yali yamuwulirako. Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira. Kati awo n’agamba nti, “Ka nserengeteyo mmulabeko.”

¹⁴⁰ Kati bwe yaserengetayo, n’alaba omulundi gwe ogwasooka Ekigambo kya Katonda ekirabisiddwa mu mubiri, waaliwo eky’enjawulo ku njogera Ye n’entunula Ye, kwe yategeerera nti ye Ye. Yee, ssebo. “Ha, ssinga nsobola okubaako engeri gye mmuleetera okundaba, ssinga mbaako engeri gye nsobola okumukwatako!” N’awagaanya mu kibiina n’akwata ku kyambalo Kye.

¹⁴¹ Kati jjukira nti, terwali lugalo lwe nti lwe yawulira nga lumukwatako. Nedda, ssebo, kubanga ebyambalo by’Abapalesitayini biba bigazi nga tebikwata ku mubiri. Era ya . . . ba s- . . .

Petero n'agamba nti, "Buli muntu akukomyeko."

¹⁴² N'agamba nti, "Naye kuno kukomebwako kwa njawulo. Mpulira nnafuye."

¹⁴³ Yesu yali azze. Sente ze zaali ziweddewo, buli kimu kyali kiweddewo; naye mu kaseera ako aka kazigizigi nga ekikulukuto ky'omusaayi kigaanyi okukoma, nga n'abasawo baledmeddwa okukikomya, Yesu n'ajja. Era kiki kye yakola? Yamuyita. Yeetoolooza amaaso okutuusa lwe yamulaba, n'Agamba nti, "Obadde n'ekikulukuto ky'omusaayi, naye kati kikomye."

¹⁴⁴ "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." "Omuyigiriza azze era Akuyita. Azze era n'Ayita." Yamuyita n'akomawo eri obulamumu.

¹⁴⁵ Omukazi oli ku luzzi, gwe twayogeddeko ekiro ekyayise, essubi lyonna lyali ligenze. Oba oli awo, osanga n'omwami we ow'okutaano yali amuleseewo, nga yaakafuna ow'omukaaga ekiro ekyo, era nga—nga tannamwekakasa bulungi. Ku ky'obulongoofu, yali yayonooneka dda. Yali ayagala kubeera mukyala yennyini ow'ekitiibwa; ye, atekwa okuba nga, ne Bayibuli yali agisoma.

¹⁴⁶ Era yagandangayo, nga agenda ku ssaawa nga ttaano ez'emisana. Yali tasobola kujja ku makya abakazi abalongoofu we bajjiranga. Era beetikkanga amazzi gaabwe ku mutwe, mu nsumbi, ne baserengeta nga baddayo. Kale yali tasobola kujja, kubeegettako. Bo, baabanga n'okusosola okw'engeri nga eyo mu biro ebyo, abalongoofu n'abatali balongoofo tebaatabagananga. Abenzi baasigalanga mu bifo byabwe, kale n'omukyala ono yali tasobola kujja wamu nabo. Baali tebasobola kumukkiriza kujja. Kati buli omu nga amaze okusena amazzi ge n'agenda. . . Naye n'ajja mu bulungi.

¹⁴⁷ Era mu kaseera ako yajja n'ensumbi nga agyetisse ku mutwe, atekwa okuba yali atambula bw'alowooza muli nti, "Naye kati, omusajja gwe nnafumbiddwa, manya gwe nnafunye ekiro kya jjo, nga mmubusabuuusa. Musajja, kyokka yeeyisa mu ngeri etategeerekeka. Ssi—ssirina kye mmumanyiiko. Ssirina na we ntandikira. Nnagobebwa mu bantu. Era ssi sobola kugenda mu kkanisa ezo, teba. . . Ggwe balabe! Ssimanyi na kya kukola. Nsobeddwa. Naye mbadde nsoma Bayibuli; era mazima ddala, lumu, Nnabbi oyo alirabisibwa. Kati nkimanyi nti bo bagamba mbu teri kintu nga ekyo, ne kino mbu, 'Oba oli awo emyaka giyiseewo kikumi, n'emirala lukumi ne giyitawo. Tukirindiridde okumala enkumi n'enkumi z'emyaka, naye tekituukiriranga, n'olw'ekyo tetukyakirindirira kati.' Buli kimu kiri nnyo mu, 'Ha, leka naawe, tulina amakanisa n'ebintu ebirala. Tetwetaaga kintu nga ekyo kati.'" Kale yagenda, bw'alowooza.

¹⁴⁸ Omanyi, bw'omulowoozaako, awo lw'Akulabikira. Nga bwe twakirabye ekiro kya jjo, bwe baali bagenda Emawo.

149 Omukazi bwe yalowooza ku bintu bino, n’awulira Omusajja agamba nti, “Ndeetera eky’okunywa.”

150 Kye ki ekyo? Mu kaseera ke akasingayo okuba aka kazigizigi, nga takyali mulongoofu. Oba oli awo yali mukyala alabika obulungi, eyadda ku nguudo n’atandika okweyisa bw’atyo. Ebiseera ebimu teba nsobi ya muwala oyo omuto, eba nsobi ya bazadde be, abamuleka n’agenda okweyisa bw’atyo. Kati wuuno wano, oba oli awo obuyengo mu nviiri ze bwali bulengejja; yali aweddemu amaanyi, nga bw’atambulatambula, nga ayenjebuse, nga tewali n’amwagala, omwana watu, nga bambi osanga alina bingi by’ayiseemu.

151 Naye kale, mmanyi ekintu kimu, yali yasoma Bayibuli, era Bayibuli yali agikkiriza. Era waaliwo akasigo akatono akaali munda mu mutima gwe, akagamba nti, “Bwe kimala ne kibaawo, ndikimanya.” Yali yateekerwateekerwa eri ekyo.

152 Tunuulira Yuda oli nga ayimiridde wali yeeyisa mu ngeri gye yeeyisaamu. Munda mu buziba bw’omutima gwe mwali mujjuddemu kizikiza. Ekitangaala kyali kyaka eno mu bikolwa bye, naye mu buziba bw’omutima gwe nga takikkiriza. Kyokka nga wano omukazi ono wuuno . . . Okiraba, Ekitangaala kyali tekisobola kukka ku kintu nga ekyo. Naye wuuno wano, akkiriza, yali akikkiriza, naye ate nga obulamu bwe bujjuddemu kizikiza; kati Ekitangaala bwe kyayaka, ne kigobamu ekizikiza kyonna. Naye Ekitangaala bwe kyayaka waggulu wano, kyaleetawo ekizikiza wonna. Eyo ye njawulo.

153 Okiraba, omukazi ono yali yazaalibwa lw’ekyo. Ya—yagamba, bwe yamubuulira abasajja bameka be yali abaddeko nabo, n’a . . . Kiki ekyabaawo? Yenna yakyamuukiririrawo. Yenna n’atabulwa. N’agamba nti, “Ssebo, ndaba nti Oli Nnabbi. Mmanyi nga Masiya bw’alijja, Alikola ebintu bino byonna.”

154 Awo n’Amuyita. Awo n’Amuyita. “Ye Nze, ayogera naawe.” Yakitegeera kuyita mu Kigambo kya Katonda. Yamuyitayo okuva mu bibi bye, okudda mu Bulamu. N’erinnya lye liri mu Bayibuli, era alina Obulamu obwo obutafa leero.

155 Asobola okukuyita mu ngeri y’emu, kubanga y’Omu jjo, leero, n’emirembe gyonna. E . . .

156 Weewaawo, yali takyali mulongoofu, naye era yali akimanyi nti ono Ye yalina okutegeera okwo. Yakitegeera muli nti oyo yali atekwa kuba nga ye Masiya. Kale Yesu bwe yagamba nti, “Ye Nze, Ye Nze,” n’ategeerera ddala.

157 Lumu abayigirizwa baali mu lyato, nga essuubi lyonna liweddewo. Emiyaga, baali bavuddewo nga tebali na Yesu, era emiyaga gyali—gyali nga bwe gyali mu maka ga Lazaalo. Essuubi lyonna lyali liweddewo. Akaato konna kaali kajjuddemu amazzi. Era baali baleekaana nga bwe bakaaba, oba oli awo nga bwe basaba nga bwe beeyongerayo, nga n’eggulu limyansa, nga eryato lyonna lijjuddemu amazzi, nga n’empagi eziwanirira

amatanga zigudde, enkasi zimenyese, nga bonna buli omu yeekute ku munne, bakaaba.

158 Era mu kaseera ako aka kazigizigi ddala, awo Yesu n'ajja nga atambula. Naye yali alabika nga ekisiikirize gye bali. Endabika Ye yali etiisa, nga alinga omuzimu, ne bakaaba nga bajjudde okutya.

159 Ogwo gwe mutawaana leero. Yesu ajjira mu kaseera ko aka kazigizigi, naye ate n'okitya buti. Nga tokitegedde.

160 Baali tebamutegedde. Baagamba nti, "Ha, ogwo muzimu!" Ne bawoggana buwoganyi.

161 Awo n'Abayita, nga agamba nti, "Temutya, ye Nze." Mu kaseera aka kazigizigi, Yesu we yajjira, Obuyambi bwabwe. Bw'atyo bulijjo bw'Akola, ajja mu kaseera aka kazigizigi. Awo Yesu n'ajja n'Alabisibwa, n'ajja gye bali.

Petero n'agamba nti, "Oba nga ye Ggwe, ndagira nzijire ku mazzi."

Yesu n'agamba nti, "Jangu."

162 Mumanyi, ab'emikwano? Mu bwangu ddala Ajja okukima ababe mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Kaakati, tekyewuunyisa okuba kati nti ekkansa etuuse mu kaseera kaayo aka kazigizigi?

163 Injenda kubaako kye njogera wano. Ssi njigiriza. Naye mpa buwi bunnabbi. Mumanyi ekigenda mu maaso? Ekiseera kigenda kutuuka, mangu ddala kijja, mujjukire kye njogedde, ebibiina by'amadiini byonna kigenda kubyetaagisa okwegatta ku Kakiiko akagatta Amadiini. Bwe bitakikola, tebisobola kuba na buwagizi bwa Kakiiko. N'olw'ekyo, walibaawo okusimbira ekkuuli, era nga tewali muntu n'omu asobola kugenda mu makanisa gano, oba okugenda mu kkanisa yonna; okujjako nga olina akabonero ak'obulambe okuva mu kkanisa yo gy'ova, nga tosobola kugula yadde okutunda. Mukiraba nti kiri nga bwe kyali, era bwe kityo bwe kigenda okuba nate, akabonero k'ensolo. Era ekkansa, ekyo bagenda bakitegeera, abantu ab'omwoyo.

164 Nammwe bantu mmwe Abapentekoote, nammwe, mugenda mukitegeera. Mutandise okukirozaako. Amakanisa gammwe, bingi ku bibiina by'Abapentekoote; sseetaaga kwogera mannya gammwe, naye mukimanyi bulungi kati nti bali—bali mu kukyegattako. Baakikakasa dda nti kye bakola. Kati bw'okola ekyo, oba ogenda kuzzaako ki? Ojja kuwalirizibwa okwegana enjigiriza yo ey'Enjiri ey'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ojja kuwalirizibwa okwegana enjigiriza yo eya Bayibuli.

165 Naye ba ssekinnoomu tebagenda kuyimirira nakyo. Abakristayo abo ab'amazima abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri baja kufa, okusooka. Balabuddwa Ekigambo. Bakimanyi nti ekintu kino kijja. Yee, ssebo.

166 Era tekyewuunyisa? Era wennyini mu kaseera kano aka kazigizigi, awo Yesu w'ajjira n'atuyita, ng'agamba nti, "Temutya. Ye Nze. Nkyali nnamwe. Ndi wano okwoleka Ekigambo Kyange." Nga bwe yali ku luli, era bw'Ali ne kaakano. Yagamba nti ekyo alikikola. O, bannange! Omuyigiriza azze era atuyise.

167 Waliwo abantu bangi abalwadde wano, nkakasa, weebali batudde wano, nga abasawo bakugambye nti te—tewakyali ssubi gy'oli. Oyinza okuba oli mu kaseera ko aka kazigizigi, naye, jjukira nti, Omuyigiriza azze era n'akuyita.

168 Era lumu, lumu, Omuyigiriza alijja ayite buli linnya eryawandiikibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu. Eriryo bwe liba teririyo, leka litekeebweyo kati, kubanga Alijja n'aliyita. N'abo abali mu ntaana baliwulira Eddoboosi Lye baveeyo okufuna Obulamu. Omuyigiriza alijja n'akuyita. Era nga bw'Ayita leero, yanukula era weetekereetekere Olunaku olwo, ge magezi ge nkuwa.

169 Ekisuubizo ky'omulembe guno, yasubiza nti Aliba wano. Ebintu bye yakola, wa kuddamu abikole, era ne kaakano nate Omuyigiriza azze era akuyita.

170 Tukoteke emitwe gyaffe. Nninawo emiko emirala nga mukaaga wano, naye ssi—sisobola kugikwatako kati. Tukoteke emitwe gyaffe. Nnasuubizza okubata nga bukyali, naye kati tusussizzaamu eddakiika kkumi na ttaano.

171 Kitaffe Ow'omuggulu, Ai Mukama, leka kibeewo nate. Ebintu bino byonna bye njogedde nti, "Yesu azze era akuyita." Akola ki bw'Ajja? Ayita. Era leka kibeewo nate, Mukama. Leka Omwoyo Wo Omutukuvu ajje mu bantu akawungeezi kano, oyo Mukama Yesu mu nkula e—ey'Omwoyo. Leka Ajje akawungeezi kano atwebikkulire, era oluvannyuma yeeyoleke. Nga abantu bali, bwe bakkiriza, tujja kukkiriza, naffe, Mukama. Waliwo bangi wano, oba oli awo, abatafunanga kakisa kano. Tusaba okabawe nate akawungeezi kano. Kubanga tukisabye olw'ekitiibwa kya Katonda, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

172 Ekyo bwe kiri, mwannyinaze, naye weeyongere bweyongezi mu maaso nakyo. Tekirina mutawaana. Genda mu maaso. O, mu kasirise ddala, buli omu.

173 Mukkiriza nti azze? Azze. Akyayita nga azze? Kaakano ssinga mukkiriza bukkiriza. Ssinga mukkiriza bukkiriza Ekigambo kya Katonda, Katonda ajja kukibawa.

174 Kaakano mulabeeyo, ssirina budde kuyita lunyiriri lwa baakusabirwa wano. Injenda kubayita akawungeezi kano, eyo gye bali, Mukama nga ayagadde. Omuyigiriza azze. Azze okutuukiriza Ekigambo Kye mu nnaku ez'oluvannyuma. Era ekyo kye yali luli, ky'Ali ne leero. Okulabisibwa Kwe oba engeri gye yeeyolekamu ku luli kye yali, ky'eri ne leero, kubanga akyali Kigambo kya Katonda. Mukikkiriza

ekyo? Ate Ekigambo kya Katonda Kyawuzi ky'okulowooza, n'okufumiitiriza kw'omu mutima. Era engeri gye yakikolamu ku luli, ye ngeri y'emu gy'Azze nga akikolamu. Akyali y'omu. Ssinga akola ekyo kyennyini kaakano, munaamukkiriza? Kinabaleetera okumukkiriza?

175 Mmwe abali eyo kati, leka nsooke ndabe oba nga waliwo omuntu yenna gwe mmanyi, atudde wano, gwe mmanyi.

176 Mwenna abali wano, waggulu *wano*, abatammanyi, muyimuse emikono gyammwe; nga mukimanyi nti ssirina kye mbamanyiiko, era nga muli balwadde, muyimuse emikono gyammwe. Ndowooza, buli omu. Kale, kati, kkiriza. Kkiriza bukkiriza n'omutima gwo gwonna. Tobuusabuusa. Beera n'okukkiriza. Kkiriza Katonda.

177 Njenda kudasaba musiriikirire ddala, mutuule. Temutambulatambula kaakano, bambi temukikola. Okiraba? Okiraba? Oli—mmeeme, omubiri, n'omwoyo. Era omwoyo gwo. . . Era Omwoyo Omutukuvu yeekengera nnyo.

178 Bameka abajjukira, emyaka mingi egiyise, Omwoyo Omutukuvu, bwe nnajja wano ne mbagamba? Bwe nnateranga okukwata abantu mu ngalo, n'Anjamba nti ekirabo kino eky'okutegeera ebirowoozo kyali kujja, era kyeyongere mu maaso? Mukijjukira, mukijjukira ekyo? Naye yagamba nti, "Bw'onooletera abantu okukukkiriza." Ebiro ebyo mubijjukira, emyaka mingi emabega? Oteekwa okukkiriza.

179 Nnalaba omusajja, nzikiriza kyali wansi wano mu lukuŋŋaana luli olulala, nga atudde awo. Era Omwoyo Omutukuvu. . . Nnali mmwetegereza nga mbuulira. Yali musajja mulema. Yalina emiggo gy'abalema mu nkawawa. Era bwe nnatandika bwe nti okuyita abantu, Ssetaani n'ajja ku musajja, nga ekisiikirize eky'ekizikiza. Era nnakiraba n'amaaso gange gennyini. N'asituka n'afulumu. Ebbanga lyonna ajja kusigala nga mulema, mukiraba. Era kale, ye, yandiwonyezeddwa awo wennyini ssinga ya—ya. . . Okiraba? Naye, kati, ssimanyi lwaki. Ndowooza yasalawo kuwuliriza mulabe. Naye ssinga oyimirira ne weetegereza ebisiikirize ebyo, n'olaba ebintu ebyo mu nkula, gye bibaamu, ne wekkaanya engeri gye byeyisaamu. Okiraba, kyandibadde. . .

180 Kati, nze ssisobola kuwonya. Omuntu yenna akugamba nti asobola okukuwonya, mukyamu. Wawonyezebwa dda. Naye, ekyetaagisa kwe kutegeera Okubeerawo kwa Yesu Kristo. Kati Maliza oba yakitegeera nti ssinga asobola okuddamu n'amulaba, asobola okufuna okuyaayaana kwe, kubanga Ye ye yali Ekigambo ekirabisiddwa, ffe tetusobola kukkiriza kyenkanidde awo akawungeezi kano, okukikkiriza? Mazima, tuteekwa okukkiriza. Azze. Azze, Azze mu nkula y'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo ky'Ali. Kati ggwe saba busabi.

¹⁸¹ Olaba, waggulu wano, ssinga mbaddewo n’omuntu ayimiridde wano, wano wennyini nga ayimiridde nange, nga akola kimu kyokka ku—kusaba; olaba, abantu bangi abali mu kusaba, bajjudde wonna mu kizimbe. Olina kukyetegereza bwetegereza. Tosobola kugamba mbu, “Tugambe, Ow’oluganda Branham. . .” Nedda, ssebo. Ssi—sisobola kukikola, nga naawe bw’otayinza kundootera kirooto. Okiraba? Osobola okuloota. Ggwe, Katonda asobola okukuwa ekirooto ekinkwatako, okikkiriza ekyo, naye tosobola kukikola nga ggwe. Tosobola kugamba, nti, “Ow’oluganda Branham, nenda kuloota ekirooto ekikukwatako kati.” Nedda, tosobola kukikola. Nange sisobola kulaba kwolesebwa. Oyo yenna akuwa ekirooto, oyo y’alina okukikola. Bwe kityo bwe kiri ne ku kwolesebwa.

¹⁸² Ndaba omusajja atudde wano wennyini ku nkomerero y’olunyiriri lw’entebe, alumwa amakajja. Bw’anakkiriza n’omutima gwe gwonna, Katonda ajja kumuwonya amakajja. Okkiriza nti Anaakikola, ssebo? Atudde wali eri, munnansi w’e Mekisiko, nga atudde ku nkomerero y’olunyiriri lw’entebe, onaakikkiriza? Kale, ssebo.

¹⁸³ Omukyala akuliraanye, alina amakajja, naye. Okkiriza nga Katonda anaakuwonya, nnyabo? (*Guno* gwandiba nga gukomyawo amalobozi? Ntiddemu nti abantu bandiba nga tebawulira.) Onakkiriza? Kale.

¹⁸⁴ Ate omukyala oli omulala enzaalwa y’e Mekisiko amuliraanye? Atawaanyizibwa mu lubuto. Okkiriza nga Katonda anaawonya olubuto lwo, nnyabo?

¹⁸⁵ Akifunye. Bwe ndaba Ekitangaala ekyo nga kisse wansi, ekyo kiba kitegeeza nti kimaze okubaawo. Weewaawo. Ky’ekyo. Kimukoonyeeko omukyala. Kibadde awo, nga kyetoololera awo wennyini. . . [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . ekyo kye kikikola. Okiraba? Bw’Asisinkana okukkiriza! Okiraba, “Ebintu bingi by’Ataasobola kukola olw’obutakkiriza bwabwe.”

¹⁸⁶ Wano waliwo omukyala atudde wano ali mu kusaba, wano wennyini. Atidde. Asaanye okutya. Alina embeera ya kookolo, embi ddala. Ssikumanyi, naye Katonda akumanyi. Okkiriza nti Katonda asobola okumbulira ebikwata ku kookolo ono, oba ekintu ekirala kyonna? Ntunuulira. Waliwo bangi nnyo abali mu kusaba, okiraba, ye nsonga lwaki nkyogera. Tutunuulire. Kaakano, weewawo, toli wa mu kitundu kino, tobeera wano. Ova mu kifo ekiyitibwa Porterville, mu California. Bwe kiri. Okkiriza nga Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo? Alimanyi. Erinnya lyo gwe Muky. Wintham. Bwe kiri. Kaakano kkiriza, ne kookolo anaakuvaako. “Ssinga okkiriza.” Kye kyokka Katonda ky’akwetaaza. “Ssinga okkiriza.”

¹⁸⁷ Ekyo tokikkiriza n’omutima gwo gwonna? Omuntu omu ali ku ludda luno *wano*, tosobola kukkiriza? Omuyigiriza azze era

akuyita. Akuyita okuva mu kufa okudda mu Bulamu, okuva mu ndwadde okudda mu kuwonyezebwa.

¹⁸⁸ Wano waliwo omusajja atudde emabega wano, nga akotese omutwe, asaba. Mu butuufu teyesabira nga ye, alina omuntu omulala gw'asabira. Mu—muwala. Muwala we. Okkiriza, ssebo? Olumizibwa mu magulu. Olumizibwa mu vviivi. Bwe kiri. Tewetaaga kukaaba, oyo ye Ye awo ku lusegere lwo. Muwala wo waliwo eddwaliro mw'ali, ssi bwe kiri? Bulwadde bwa kafuba. Okkiriza. Okkiriza? Omuyigiriza azze era amuyita. Onakkiriza, nga kitaawe? Onakkiriza? Nsaba amusisinkane akawungeezi kano, naawe akusisinkane. Leka kikome.

¹⁸⁹ Wano waliwo omulenzi, mulenzi wa kataketaakke. Atawaanyizibwa obulwadde bw'olususu, ne asima, mulenzi nzaalwa y'e Mekisiko, mulenzi enzaalwa y'e Mekisiko nga atudde wano. Tava mu kitundu kino. Ava mu San Jose. Okkiriza, mutabani? Ekirala, kitaawo naye ali wano naawe. Muweereza. Bwe kiri. Okkiriza nga Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo? Kinaakuleetera okukkiririza ddala? Erinnya lyo gwe Reuben. Kaakano kkiriza. Um-hum. Katonda agenda kukuwonya.

¹⁹⁰ Omuyigiriza azze era akuyita. O, ggwe omwonoonyi, o, ggwe omulwadde, tolaba Omuyigiriza nga alabisibwa mu bantu, mu makkati g'abakkiriza? Azze okuyita abaana Be abakkiriza okujja eri okuwonyezebwa. Azze okuyita omwonoonyi okujja eri okwenenya. Ggwe eyaddirira, munnakkanisa, Omuyigiriza azze era akuyita.

¹⁹¹ Okikkiriza? Okikkiriza ku lw'ekyetaago kyo mu kaseera kano kennyini? Bw'oba okikkiriza, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzikiriza ku lw'ekyetaago kyange." Kati situka oyimirire era okitwale. Omuyigiriza azze era akuyita. Era oba oli ani, kyonna kye weetaaga, Omuyigiriza azze era Akuyita. Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

¹⁹² Omukyala oli bambi yagenda mu kibuga n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja antegeezezza ebyansobako." Ggwe togenze mu kibuga. Ozze n'okyerabirako, ggwe kennyini, n'olw'ekyo Omuyigiriza azze era akuyita.

¹⁹³ Yimusa emikono gyo omutendereze, era ogambe nti, "Mukama Yesu, ndi mwonoonyi; nsonyiwa. Nnaddirira; nkomyawo, Mukama. Nneetaaga Omwoyo Omutukuvu; nzijuza. Ndi mulwadde; mponya. Ndi mulema; mponya." Omuyigiriza azze era akuyita. Yimusa emikono gyo kaakano omuwe ettendo. Amiina.

¹⁹⁴ (Tuwe eddoboosi ly'oluyimba luno nti, "Nnaamutendereza, nnaamutendereza." Olumanyi? *Nnaamutendereza*. Olumanyi, ssi kye kyo?)

Mukkiriza?

Nnaamutendereza, Nnaamutendereza,
 O, nnaatendereza Omwana gw'endiga
 eyattibwa ku lw'aboonoonyi;
 Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
 Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
 bbala.

¹⁹⁵ Mumwagala? Kaakano temwandiyagadde okumuyimbira nga bw'Ali wano? Ye Mwoyo atambula mu kizimbe. Amanyi emitima gyammwe, amanyi ebibakwatako byonna. Tulumuyimbire, n'omutima gwaffe gwonna.

Nnaamutendereza . . .

Yimusa emikono gyo nga bw'okikola.

Nnaa . . .

Kaakano mutendereze butendereza.

. . .mutendereze,
 O, nnaatendereza Omwana gw'endiga
 eyattibwa ku lw'aboonoonyi;
 O, mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
 Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
 bbala.

¹⁹⁶ O, nnyabo, gwe ali mu kagaali k'abalema, ssinga weeyongerera okukkiriza awo wennyini w'oli.

Nnaa . . .

Leka tulugezeeko omulundi gumu nate. Nnina kye nnindiridde.

Nnaamutendereza, Nnaamutendereza,
 O, nnaatendereza Omwana gw'endiga
 eyattibwa ku lw'aboonoonyi;
 Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
 Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
 bbala.

¹⁹⁷ Kaakano nga bwe tuluyimba nate, kyuka, obeeko ne gw'okwatako mu ngalo, nga bwe tuluyimba, yimba nti, "Nnaamutendereza." Tuyimbire wamu, ffenna kati.

Nnaamutendereza, Nnaamutendereza,
 Nnaatendereza Omwana gw'endiga eyattibwa
 ku lw'aboonoonyi;
 Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
 Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
 bbala.

¹⁹⁸ O, mukwano gwange omwonoonyi, tooveeyo n'ojja wano kaakano? Muveeyo mumuwe ettendo, mmwe mwenna. Mmwe mwenna abaagala okumwatula nga Omulokozi. Mu Kubeerawo Kwe, nga abatukuvu bwe basinza mu Mwoyo, temujje wano ne muyimirira? N'ogamba nti, "Njagala kujulira, akawungeezi ka

leero. Njagala kumuwa ttendo. Njagala kujja. Ssimukwatirwa nsonyi. Njagala ensi etegeere nti mmukkiriza nga Omulokozi wange, wano wennyini nga w'Ali wano." Jangu nga bwe tuluyimba.

Nnaamutendereza . . .

Tojje?

. . . Nnaamutendereza,
O, nnaatendereza Omwana gw'endiga
eyattibwa ku lw'aboonoonyi;
O, mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

¹⁹⁹ O, ky'ekyo, nnyabo, jangu eno. Ani omulala ayagala okujja, mu Kubeerawo kwa Kristo? Jangu waggulu wano, mwannyinaze, yimirira wano.

²⁰⁰ Omuntu omulala yenna nga oyagala Abeere Mulokozi wo, mu kaseera kano, nga tokwatibwa nsonyi. Yagamba nti, "Bw'olinkwatirwa ensonyi mu maaso g'abantu, Nange ndikukwatirwa ensonyi mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu." Bw'oba nga tomukwatirwa nsonyi kaakano, nga wandiyagadde Abeere Mulokozi wo, nga bw'Ali wano! Omulabye. Tekiriiko kamogo konna, Kigambo Mwene nga Akyoleka. Jangu waggulu wano nga abatukuvu bwe basinza kaakano. Tojje?

²⁰¹ Katonda akuwe omukisa, ssebo. Ndaba omukyala omukadde nga ajja, akuliridde mu myaka. Tojje kaakano?

Nnaamu . . .

Mukiyimbe kaakano.

. . . Nnaamutende . . .

²⁰² Bwe kiri, bavubuka abato, mujje. Mutendereze butendereza. Katonda akuwe omukisa, nnyabo, bwe kityo bwe kirina okukolebwa. Katonda abawe omukisa, mmwe abato.

. . . yattibwa ku lw'abonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

²⁰³ Nga abaweereza bwe bagenda eri abantu bano kaakano tewaabeewo omulala ajja? Ggwe eyaddirira, tojje, n'ogamba nti, "Obulamuwange bunkwasa ensonyi"? Wuuno Ali wano. Bw'oba onzikiriza okuba omuweereza wa Katonda? Yimusa emikono gyo. Kubanga, Yesu Kristo ali mu makkati gaffe. Tojje?

Mumutendereze . . .

Tojje, n'omutendereza?

. . . bantu,
Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala . . .

²⁰⁴ Maliza, onajja, oba ogenda kusigala nga otudde mu nnyumba ne Malyamu? Onaasigalayo mu kibiina ekimu, n'ogamba nti, "Ha, ekkanisa yange tekikkiriza bw'etyo," nga Kristo alabisiddwa? Onaasigalayo n'oyogera ekyo, oba onaavaayo? "Kale, leka nkubuulire, bwe na..." Nedda. Leero, eno ye ssaawa. Okufa kukulengejjerako, nga muwala wa Yayiro.

²⁰⁵ Jangu kati! Ggwe eyaddirira, jangu kati. Ggwe omwonoonyi, jangu kati. Ekiseera kye kino. Omuyigiriza azze era Akuyita. Akuyita. Oyinja okugamba nti, "Ntegedde ntya?" Akozesa ddoobozi lyange. Bw'Aba nga akozesa eddobozi lyange okwogera endwadde, okunyigirizibwa n'ebirala, ggwe tokimanyi nti n'ekibi nakyo Akiyitayo? Vvaayo! Jangu kaakano, guno gwandiba nga gwe mukisa gwo ogusembayo.

²⁰⁶ Omulundi omulala nate, waliwo bangi nnyo wano abateekwa okujja, ab'emikwano. Ssaagala kubaswaza, kubayitayo bwenti. Ekyo tekigwanidde. Bwe muba mwagadde olumu oba oli awo. . . Abafalisaayo bali baaloozoza mbu baalokoka, naye baali tebaalokoka. Naawe olowooza ekintu kye kimu. Jangu kaakano.

²⁰⁷ Beera mukakafu! Tomala, tomala galonzalanza. Bwe waba nga waliwo okubusabuusa okutono kwonna mu birowoozo byo, tolonzalanza. Jangu kaakano. ekiseera kye kino, kaakano nga Ensulo nzigule, nga Omwoyo Omutukuvu ali wano. Omuyigiriza azze. Okubusabuusa okwo okutono, kw'Agezaako okukutegeeza nti, "Obuusabuusa." Kuweeyo. Jangu, kaakano. Omuyigiriza azze era akuyita. Bwe kiri, mujje buzzi, musigale nga mujja.

Nnaamutendereza, nnaamutendereza,

Tojje n'omutendereza?

Nnaatendereza Omwana gw'endiga eyattibwa
ku lw'aboonoonyi;


Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,

Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

²⁰⁸ Kaakano nga aboonoonyi bwe bajja, okumwatula; abantu leka bamutendereze, nga bwe tuluyimba kaakano. Nga emikono gyo ogiwanise, yimba okumutendereza, kaakano, ffenna wamu.

Nnaamutendereza, nnaamutendereza,

Nnaatendereza Omwana gw'endinga
eyattibwa ku lw'aboonoonyi!

²⁰⁹ Mutendereze butendereza! Mmwe abali wano, musabe, mumusabe abasonyiwe. Ekyo ky'Ajja okukola. Mukama waffe azze era akuyita. Katonda abawe omukisa. 

64-0213 Awo Yesu n'Ajja n'Ayita
mu Elliott Auditorium
e Tulare, California Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikikirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org